



Out of ASPIRE, there is HOPE

**OKULONDAKO, OKUKOZE
SA NGA BWOLAGIDDWA
ERA N'OKUZA
AMAWULIRE
AMATUUFU MU HOPE**



HOPE

Out of ASPIRE, there is HOPE

OKULONDAKO MU KUNOONYEREZA KWA HOPE



Kiki ekigendererwa mu kunoonyereza kwa HOPE? Ekigendererwa ekikulu ekyo kunoonyereza kwa HOPE kwe kuwa banakyewa okufuna amangu akaweta k’omubukyala akalimu eddagala lya Dapvirine akatalina bulabe era ngakakola (“akaweta”) nga enkola ey’okuziyiza akawuka ka mukenenya. Twalagala okutegera lwaki banakyewa bayinza okulondako akaweta nga enkola ey’okuziyiza akawuka ka mukenenya oba nedda, era oba byebaggala bikyuuka nga wayise ekiseera.

HOPE eyawukana etya ku ASPIRE?	
ASPIRE	HOPE
Ekigendererwa: Okukakasa oba akaweta kakola era nga tekalina bulabe mukuziyiza akawuka ka mukenenya	Ekigendererwa: Okutegeera oba abakyala banakozesa akaweta, bwewanaba nga bawereddwa omukisa.
Bakebera okulaba oba akaweta tekalina bulabe	Tukimanyi akaweta tekalina bulabe nakamu
Bakebera okulaba oba akaweta kasobola okuziyiza akawuka kamukenenya	Tukimanyi akaweta kasobola okukendeeza omukisa gw’omukyala okufuna akawuka kamukenenya
Abakyala ekitundu kimu kyakubiiri bafuna obuweta obwalimu eddagala ly’okunoonyereza n’ ekitundu bafuna obuweta obutalimu ddagala lya kunoonyereza	Obuweta bwonna bulimu eddagala ly’okunoonyereza
Banakyewa bona balina okukiriza okukoozesa akaweta	Okukozesa akaweta kwa kwelonderawo eri buli nakyewa!
...	...

N’olwekyo ogamba abakyala balina eddembe okulondawo okukozesa akaweta mu HOPE? Yee. Abakyala basobola okuyingira mu kunoonyereza waddenga balonze oba tebalonze kaweta nga enkola ey’okuziyiza. Banakyewa bona bafuna emigaso gyegimu okuva mu kwetaba mu kunoonyereza, wadde olonzewo oba tolonzewo akaweta. Kubanga banakyewa balina okwelonderawo, tusaba nti banakyewa batwale akaweta singa bagala okukakozesa. Banakyewa basobola okukyusa endowooza yabwe ku kukozeza akaweta mu kiseera kyonna ky’okunoonyereza.

Nga ASPIRE bweyalaga nti akaweta tekalina bulabe era kakola, lwaki muwa banakyewa ba HOPE Okulondawo obutakakozesa? HOPE ekwatagana kukutegeera oba abakyala banakozesa akaweta era banakakozesa batya nga kati bwekamanyidwa nti tekalina bulabe era kakola. Tukimanyi nti obupiira bukalimpitawa tebulina bulabe era bukola, naye abantu bangi bakyalondawo obutabukozesa oba okubusanga nga buzibu okukozesa. Tumanyi bingi ku lwaki abantu bakozesa oba tebakozesa bupiira bukalimpitawa era twagala okukunganya amawulire gegamu ku kaweta. Banakyewa abamu bayinza okwagala obutakozesa kaweta naye era baba n’omugaso eri okunoonyereza nga bakubaganya ku biki ebiretera akaweta okubeera akazibu okukozesa oba obutakaagala. Obwetavu bw’okuziyiza akawuka kamukenenya era nebyagalwa nabyo bisobola okukyuka eri nakyewa nga wayiseewo ekiseera.

Okusingira ddala, twagala buli mukyala okutegeera akatyabaga kaalimu mukufuna akawuka kamukenenya, n’enkola zona ez’okuziyiza akawuka ka mukenenya z’asobola okufuna, era alondewo enkola esaanidde obulungi mu bulamu bwe.

Abakozi mu kunoonyereza kwa HOPE n'ekibinja ky'abantu abakola mukitundu abantu gyebabeera basobola okukolera awamu ne banakyewa okubayamba okumanya era n'okutegeera akatyabaga kaabwe ak'okufuna akawuka kamukenenya. Twagala abakyala




bawulire eddembe okulondawo akaweta oba nedda era n'okukyusa endowooza yabwe, awatali kusalira musango okuva eri abakozi oba banakyewa abalala.

Abakyala abayingira mu HOPE naye nebatalondawo kaweta ddala kituufu balina omugaso gwona eri okunoonyereza? Banakyewa bona abayingira mu HOPE bawawulire ag'omugaso eri okunoonyereza, wadde balonzewo akaweta oba nedda. Banakyewa byebatubulira byona bijja kutuyamba okwongera okutegeera akaweta era nengeri eyo'kuyamba abakyala okukozesa akaweta obulungi mukiseera eky'omumaaso.

HOPE

HIV Open-label Prevention Extension
Out of ASPIRE, there is HOPE

OKUKOZESA NGA BWOLAGIDDWA N'OKUKUUMIBWA OBUTAFUNAKAWUKA KAMUKENENYA MU HOPE



Lwaki okukozesa nga bwolagiddwa kyamugaso nyo singa nondawo akaweta mu HOPE? Okukozesa obulungi nga bwolagibwa okwawaggulu kyali kyetaagisa mu ASPIRE okukebera obanga akaweta ka dapvirine kasobola okukuuma abakyala obutafuna akawuka kamukenenya. Mu HOPE, okukozesa obulungi nga bwolagiddwa okwawaggulu kyamugaso kubanga kyekuusa ku bungi bw'obukuumi bwo obutafuna kawuka kamukenenya.

Singa nkozesa akaweta buli kiseera, obukuumi bwenkanawa bwenafuna? Tukimanyi nti okukuumbwa obutafuna kawuka kamukenenya kuliwaggulu nga akaweta kakozeseddwa buli kiseera, era nti akaweta tekawa bukumi singa tekakozeseddwa. Kyamugaso okumanya nti singa oyambala akaweta ekiseera ekisinga, naye nekatabeerayo mubukyala nga wegase n'omuntu alina akawuka kamukenenya (eky'okulabirako, okukajjaye nga wegatta) oyinza obutakuumbwa. Abanoonyerereza webasooka okulangirira ebyava mu ASPIRE, bali tebanatunulira engeri okukoseza nga bwolagiddwa bwekyakosaamu enkola ey'akaweta. Kati bafunye obudde okwongera okutegeera ekibuuzo kino. Amawulire amapya okuva mu ASPIRE galaga nti akaweta bwekakozezebwa buli kiseera, obukuumi obutafuna akawuka kamukenenya busobola okuba 75% oba okusingawo, kisoboka n'okusinga mu kyenda ku buli kikumi (90%). Ebinaava mu kunoonyereza kwa HOPE bijja kuyamba abanoonyereza okwongera okutegeera obulungi obukuumi bwenkanawa akaweta bwekawa singa kakozesebwa buli kiseera.

Lwaki okukozesa nga bwolagiddwa kyamugaso eri okunoonyereza kwa HOPE okutwalizaawamu? Okukozesa

okwawaggulu mu bakyala abalondawo akaweta kijja kutusobozesa okutegeera ebisingawo ku bikwata ku nkola y'akaweta singa kazozezebwa buli kiseera. Amawulire gano gamugaso okumanya olw'okusobozesa okutongooza akaweta gyebujja mu bantu.



Kiki ekinabawo singa nfuna obuzibu mu kuzozesa akaweta mu HOPE? Abakozi mu kunoonyereza kwa HOPE baagala okole entekateeka ey'okuziyizamu akawuka ka mukenenya esaanira obulamu bwo. Singa olondawo akaweta newesanga ng'olina obuzibu mu kukozesa, ababudabuda bajja kukuyamba okuvunuka obuzibu bwona. Nebwobanga osazewo obutakozesa kaweta, oba singa okyuusa endowoozayo ku kuzozesa akaweta, ababudabuda bajja kukuwagira munkola yona ey'okuziyizamu akawuka kamukenenya gy'olonze.

Kiba kitya singa mukwano gwange oba abantu bembere nabo baagala okukozesa akaweta? Mu kiseera kino, akaweta kaweebwa abakyala abetabye mu kunoonyereza kwa HOPE bokka. Kyamugaso obutagabana kaweta oba okukagaba. Abakyala abatali mu kunoonyereza bayinza obutafuna kukeberegwa kawuka kamukenya oba olubuto nga bwekyetaagisa oba okulabirirwa okwekisawo. Singa bakozesa akaweta nebafuna obuzibu, bayinza obutafuna buyambi bwebetaaga. Akaweta kasobola okukuuma obutafuna akawuka kamukenenya singa okakozesa buli kiseera, kitegeza tokagabira balala.

Banakyewa abatakozesa nga bwebalagibwa mu ASPIRE bakirizibwa okuyingira mu HOPE?

Banakyewa bona abali mu kunoonyereza kwa ASPIRE bajja kuwebwa omukisa okuyingira mu HOPE. Tuli basanyufu nyo eri banakyewa ba ASPIRE abatuyamba okulaba nti akaweta tekalina bulabe era kayamba okukendeeza akatyabaga ak’okufuna akawuka kamukenenya. Tukimanyi nti banakyewa abamu bafuna obuzibu nga bakozesa akaweta oba bayinza n’okuba basalawo obutakakozesa. Mu HOPE, tuwulira nti buli eyetabako mu kunoonyereza asaanidde ‘atandiike bupya’ n’omukisa okukendeeza akatyabaga kaabwe ak’okufuna akawuka kamukenenya nga bwekisoboka. N’olwekyo, twagala okuwa bonna abaali banakyewa okufuna akaweta n’emigaso gy’okunonyereza emirala.



Akaweta kakola kyekimu eri abakyala abemyaka gyona? Mu ASPIRE, abakyala abali wansi w’emyaka 21 abali mukibinja eky’akaweta akalimu dapivirine bafuna akawuka kamukenenya kyekimu nga abali mukibinja ky’akaweta akatli mu ddagala. Naye, tukimanyi nti ekintu ekyamanyi ekyalemesa akaweta ka dapivirine okukola mubakyala abato mu ASPIRE kyali butakozesa kaweta bulikiseera. Abanoonyereza bakola okunoonyereza butereevu okukakasa singa waliwo ebintu ebirala byonna ekiyinda okukosa enkola ey’akaweta mubakyala abato. Kyamugaso okutegeera nti abakyala bonna abetaba mu ASPIRE bajja kuba wagulu wemyaka 21 mukiseera webanayingirira mu HOPE. Kiri eri ffe abakozi mukunoonyereza, banakyewa n’abantu b’omukitundu, okwenyigiramu n’okuwagira abakyala abato mungeri ez’omugaso basobole okufuna era n’okukozesa buli kiseera enkola ez’okuziyiza akawuka kamukenenya ezisaanira obulamu bwabwe.

HOPE

Out of ASPIRE, there is HOPE


OKUZA AMAWULIRE AMATUUFU NE HOPE



Kiki ekinabaawo singa nondawo akaweta ate nenjogera nti sikakozesa? Tewali kibonerezo kijja kubawo olw’okuzza amawulire amatuufu mu kukozeza akaweta, nebwo’otubulira nti walina obuzibu oba wasalawo obutakozesa kaweta ekiseera kyonna. Ekibinja kyabakozi mu HOPE webali okukuyamba okuvunuka obuzibu bw’okukozeza akaweta, singa ebanga y’enkola ey’okuziyiza akawuka kamukenenya gy’olonzewo, oba okukuyamba okukyusa enkola ey’okuziyiza akawuka kamukenenya, singa olowooza nti enkola endala egyija kukola okusingawo.

Kukebera ki kwemuja okukola okukebera oba akaweta kakeseddwa bulungira ebivamu bino bitegeeza ki?

Tujja kujjako ebintu bya mirundi mingi okupima oba wakozeza nga bw’olagiddwa era n’okutegeera obulungi akaweta engeri gy’ekakolamu, ng’otwalidemu n’obuweta obukozeseddwa, omusaayi, enviiri era n’amazzi g’omubukyala agyibwaako ku bupamba bwemusosenkayo. Singa olondako akaweta, tujja kukubulira ebiva mu kukeberegwa okutunulira obungi bw’eddagala ery’okunoonyereza (dapivirine) eryava mu kaweta. Ekigendererwa ky’okukunganya amawulire gano si butakakasa by’otubulira kunkozeza yo ey’akaweta oba okubonereza abatakozeza bulungi nga bwebalagiddwa. Ekigendererwa kyaffe okubulira ebivuddemu kwe kukuwa ekifananyi kubukuumi bwenkanaki obwo’obutafuna kawuka kamukenenya bw’oyinza okuba ng’ofuna okuva mu kaweta. Ngatulina ebivudde mukukeberegwa, oija kusobola okwongerwa okukola okusalawo ng’otegedde ku ngeri esinga ey’okweziyizamu akawuka kamukenenya.



Lwaki kyamugaso gyendi okuzza amawulire amatuufu ku nkozesa yange eyakaweta? Awatali kuzza amawulire amatuufu ku ngeri gy'okozesa mu akaweta nga bwolagiddwa, kizibu okutegeera obukuumi obutufu obuva mu kaweta n'ebizibu munkozesa ebiyinda okubaawo. Newankubadde tusobola okukebera ebibigbwaako era netufuna okugeregeranya ku nkozesa yakaweta ngabwolagiddwa, amawulire agasinga omugaso getusobola okufuna ku kuzozesa akaweta gava mu banakyewa benyinyi. By'oyisemu ng'okozesa akaweta bigya kutuwa amawulire ag'omugaso ag'okutongooza akaweta mu bantu gyebugya.

Singa siwulira bulungi okwogera ku nkozesa yange ey'akaweta n'omukozi w'okunoonyereza?

Mu ASPIRE, abakyala bonna tebawuliranga bulungi okubulira abakozi mukunoonyereza bwebaatasobolanga kuzozesa kaweta. Tsubira nti okujawo eky'okweralikirira

okubonerezebwa kijja kukuyamba

okuwulira obulungi okuzza amawulire amatuufu kunkola ez'okuziyiza akawuka kamukenenya z'osinga okwagala nebyoyiseemu nga okozesa akaweta eri omukozi mu kunoonyereza. Ekibinja kyabakozi mu HOPE webaali okuyamba okuteeka munkola enkola ez'okuziyiza akawuka kamukenenya z'olondako, era nabasawo baffe ababudabudda ne ba nansi bafuna okwongera okutendekebwa okukuyamba okuwulira nga owagirwa mu buli kusalawo kwona kwokola.



Singa olina ebibuuzo oba wetaaga amawulire agasingawo, mwattu kyalira kiliniika yo kunoonyereza:

MU-JHU Research Collaboration/ MUJHU CARE LTD
P.O.BOX, 23491
Upper Mulago Hill Road
Kampala, Uganda
TEL: 0414 541 044